

AB'OLUGANDA MU YESU.

EBIKULU MU MAZIMA GA BAIBULI

Abayudaya muntegekeeka ya Katonda.

Bwonomala akusoma akatabo kano ojja kuba nga omaze okufuna okudiibwaamu eri ebibuzo binno wansi:

1. Ekyika kya Bayudaya kyatandiika kitya?
2. Lwaki Abayudaya balondeebwa nga eggwanga ery'enjawulo?
3. Biki ebibadewo ku Bayudaya mu byafaayo?
4. Abayudaya balina subi ki mu maaso?
5. Nze siri Muyudaya - Katonda ayinza okundokola?

Ebisumuluzo byetagisa okugula enziggi. Kati wano waliwo ebisumuluzo bitano ebijja okukuyamba okusobola okusumulula obubaka bwa Baibuli ku Bayudaya, n'eri ffe:

1. Okutegeera ebisubizo bya Katonda eri Ibulayimu.
2. Okumanya ebisubizo bya Katonda eri Dawudi.
3. Okutunulira enkolagana ya Katonda eri Abayudaya.
4. Okutegeera omulimu gwa Yesu Kristo.
5. Okumanya obwakabaka bwa Katonda obugenda okujja ku nsi.

Kitwetagisa okukozesa ebisumulu zo binno byonna okumanya "ekigendererwa kya Katonda na Bayudaya".

1. Ekyika ekya Bayudaya kyatandiika kyitya?

Ekyika kya Bayudaya kyatandiika n'omusajja ayitibwa Ibulaamu. Okukiriza kwa Ibulaamu ku kyali eky'okulabirako ekinene mu kwesiga Mukama, n'ebisubizo bye. Mukama yaajja Ibulaamu mu Uli n'amutwala mu nsi gyetumanyi nga Israeri.

Katonda yakola ebisubizo byenjawulo n'e Ibulaamu (oluvanyuma erinya lye lyakyusibwa nti Ibulayimu):

- a) "Ndi kufuula eggwanga eddene".
- b) "Nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n'oyo anaakukolimiranga naamukolimiranga nze".
- c) "Ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mwe bireweerwa omukisa" (Lub. 12; 2,3).

- d) "Kubanga ensi yonna gy'olabye, ndigiwa ggwe, n'ezzadde lyo emirembe gyonna".
- e) "Era ndifuula n'ezzadde lyo ng'enfuufu ey'oku nsi" (Lib. 13: 15, 16).
- f) "Era ndikwaza nnyo, era ndikufuula amawanga, ne bakabaka baliva mu ggwe".
- g) "Era ndinyweza endagaano yange nze naawe n'ezzadde lyo eriridawo okutuusa emirembe gyonna...era nze naaberanga Katonda waabwe" (Lub. 17: 6-8).
Omuzukulu wa Ibulaajimu omulenzi ayitiibwa Yakobo yazaala abaana kumi na babiri. Emirembe bwe gyagenda, ne bafuuka eggwanga eddene - elya Bayudaya.

2. LWAKI ABAYUDAYA BALONDEBWA NGA EGGWANGA ERY'ENJAWULO?

Mukama yasanyukira nyo obukiriza bwa Ibulaayimu, Isaaka, ne Yakobo. Abayudaya balondeebwa, "kubanga, yayagala bajjajja bo, kyeyava alonda ezzadde lyabwe" (Ma. 4: 37). Katonda yagamba nti: "Kale manya nga mukama Katonda wo takuwa nsi eno nnungi okugirya lwa butuukirivu bwo; kubanga oli ggwanga eririna ensingo enkakanyavu" (Ma. 9: 6).

Wali tewanaba kikyuseeawo ne mumirembe gyebakomereramu omwaana wa Katonda, Yesu Kristo (Bik. 7: 51).

Naye olw'omulimo ggwe nga ayita mu balonde bbe banno, Katonda yasobola okwoolesa embeera ye n'entegeka gyalinayo eri ensi eno. Katonda yagamba Musa nti:

"Naye ddala mazima kyenvudde nkuyimiriza okulaga amaanyi gange ggwe, era erinnya lyange okubuulirwa mu nsi zonna" (Kuv. 9: 16).

Kino kyali kikulu nga ate kyetagisa, kubanga oluvanyuma Katonda yagamba nti: "Naye mazima ddala, nga bwendi omulamu, era ng'ensi zonna bwe zirijjula ekitiibwa kya Mukama" (Kubal. 14: 21). Ekisubizo ekyeewunyisa kinno kiritukirira nga Yesu Kristo akomyeewo ku nsi.

3. BIKI EBIBADEWO KU BAYUDAYA MU BYAFAAYO?

Ebyafaayo bya Bayudaya okusinga bya nnaku Newakubadde nga balina omukisa omunene ennyo okkumanya ebikwatagana ne ku Katonda, bali bajjemu. Katonda yagamba nti bwe baliba abagonvu eri amateeka ge. "Mukama Katonda wo anaakugulumizanga okusinga amawanga gonna agali ku nsi". Naye bw'otuliwulira: "Onoofuukanga ekyewuunyo, olugero, n'ekigambo eky'obuwemu mu mawanga gonna Mukama gy'anaakutwalanga" (Ma. 28: 1, 37).

Abayudaya babonyabonye nnyo mu mawanga g'omu nsi: bagyibwa mu nsi yabwe mubulumi n'okufa (AD 135); nebagobebwa mu Bungereza (1020) ne Bufalansa (1306); mu Supaini (1492) me mu Butulugi (1498); mu Rasiya ne mu Ukaraine nga abasinga obungi battibwa n'okuyigganyizibwa (1918); ate mu ssematalo ow'okubiri, obukadde mukaaga mukuttibwa okunene okwekyitalo (1939-1945).

Kyoka eky'amagero mu byamagero, bakyaliwo nga eggwanga! Lwakuba nti Mukama Katonda eky'alina ekigendererwa naabo: "Awo munaabeeranga mu nsi gye nnawa bajjajjammwe; nammwe munaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda wammwe" (Ez. 36: 28).

4. ABAYUDAYA BALINA SSUBI KI MU MAASO?

Essubi lya Bayudaya lyeisiŋnamizibwa ku bisubizo Katonda byeyakola ne Ibulaayimu nti balirya ensi ya Isiraeri emirembe gyonna.

Oluvanyuma nate mukama yasubiza kabaka Dawudi: "Ndissaawo ezzadde lyo eririddawo eririva munda yo, ...era ndinyweza entebe ey'obwakabaka bwe ennaku zonna" (2 Sam. 7: 12, 13).

Yesu Kristo asibuka ku lulyo lwa Dawudi olw'okubera maama we malyaamu Yatufirira olw'okubera ffe ebibi byaffe nate nazukira mu bafu okuberawo emirembe n'emirembe. Alida nate ku nsi okutukiriza ebyo ebyasubizibwa Dawudi: "Mukama Katonda alimuwa entebe ya Dawudi jjajjaawe: era anaafuganga ennyumba ya Yakobo emirembe n'emirembe, so obwakabaka bwe tebuliggwaawo" (Luk. 1: 32, 33).

Petero kulunaku lwa Pentekoote, yajjukiza Abayudaya nti: "Omukulu Dawudi nti yafa n'aziikibwa", Katonda yamulayirira ekirayiro, nti mu bazzukulu ab'omuntumbwe ze alituuzaako omuntu ku ntebe ye". Bweyalaba oluberyebenye n'ayogera ku kuzuukira kwa Kristo okutula kuntebe ye" (Bik. 2: 29, 30-31). Katonda kye yasubiza mubutufu alikitukiriza.

Newankubade nga basasanyizibwa era ne bayigaanyizibwa, Abayudaya na kati bakyaliwo nga eggwanga. Kino kiri bwekyiti olw'okuba nti Katonda yasubiza nti: "Ai Isiraeri: kubanga laba, ndikulokola nga nnyima wala ... naye ggwe sirikumaliri ddala" (Yer. 30: 10, 11).

Mu 1948 Isiraeri yatongozeebwa nga ensi kubwaayo. Abayudaya badda okuva mu nsi 100. Newakubadde bali muntalo na mawanga ga Bawarabu, bawona. Nate baja kubera mu biseera ebizibu (Zek. 14: 1, 2). Mukama Katonda alisindiika Yesu Kristo okubanunula, "era Mukama aliba kabaka w'ensi zonna" (Zek. 14: 3-9). Obubaka bunno buli kaati "Sanyuka nnyo...kabaka wo ajja gy'oli...oyo aligabulira amawanga emirembe, n'okufuga kwe kuliva ku nnyanja...okutuuka ku nkomerero ye nsi" (Zek. 9: 9, 10).

Ebyawandiikibwa mu Baibuli bingi byogera ku Isiraeri nga bwalikuŋanyizibwa mu nsi ye (Yer. 31: 10; Ez. 36: 24-28). Enyimri nnyingi nnyo zogera kukuda kwa Yesu nga kabaka (Zab. 72; Bik. 1: 11). Ebisumuluzo byafe ebitano bikola byonna okugulaawo obubaka bwa Katonda ku "Bayudaya mu ntegeka ya Katonda".

5. NZE SIRI MUYUDAYA - KATONDA AYINZA OKUNDOKOLA?

Yee, Obulokozi bwa Katonda buweebwa na Bamawanga (abatali - Bayudaya). Yesu alifuga ensi ng'ayima mu, Yerusalemu. "Kale amawanga galiraba obutuukirivu bwo, ne bakabaka bonna ekitiibwa kyo" (Is. 62: 2).

Katonda tasubiza kwoka kuba na bulamu bunno obulungi eri Abayudaya n'a ba Mawanga nga Yesu akomyeewo nga Kabaka. Eri kin'omu Abayudaya n'a ba Mawanga Asubiza obulamu obw'oluberera, bwe bakiriza ne babatizibwa ne bagoberera omwaana We, Yesu Kristo. Okusubiza kuno kunene era kwa buli omu, nga naawe kw'oli.

Yee, oyinza okuberaawo emirembe n'emirembe, n'esanyu ng'oyambako Yesu Kristo mu bwa kabaka bwa Katonda. Olunaku lulituuka nga tewakyabawo kibi n'okufa nga tekukyaliwo nate. Abalondemu aba Katonda be balibera naye emirembe n'emirembe. Abayudaya n'aba Mawanga abakiriza baliberayo. Olibera nabo?

"Naye alina ennyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa" (Kub. 22: 17).